AYI GGWE BALIKUDDEMBE.

CHORUS:

Ayi ggwe Balikuddembe Omutuukirivu,
Kyetukusaba ffe abaami abakatoliki:
Tumanyagane, twagalane, twegatte ate tuyambagane;
Mu byona tubeere kitangaala kya kristu Yezu.

1) Ebibara by'entuyo zaffe,
Bituyambe okwekulakulanya ,
Tube balamu ne mu mwoyo,
Bulijjo nga kristu lwe lugero.

2) Okugunjula abaana baffe,
Mu bulungi ne mu kwagalana,
Babe bavumu ne mu mwoyo.
Babeere nga ate nno bamugaaso.

3) Emirimu gy'eggwanga lyaffe,
Tufube nga okugituukiriza,
Nga tulwanyisa n'obukyayi,
Tubeere nga naffe bamazima.